# Engeri gy'okozesa kasasiro ava mu birime okufuna amanda agataasa obutonde bw'ensi

Bya EMMANUEL SSEKAGGO

ABALIMI ne Bannayuganda okutwaliza awamu bwe baba ba kwongera okusigala nga bafuna emmere ebamala mu maka gaabwe ne mu ggwanga lyonna, balina okufaayo ennyo ku kukuuma obutonde bw'ensi mu mirimu egy'enjawulo gye bakola.

Kyokka ekimu ku bisinga okusaanyaawo obutonde bw'ensi kwe kutema emiti naddala ng'abantu banoonya kye bafumbisa. Abali mu byalo bafumbisa nnyo enku ate mu bibuga abantu abasinga obungi bafumbisa manda agava mu miti ekintu ekitadde obutonde bw'ensi mu katyabaga.

Nga Bannayuganda bangi tebannaba kwettanira nkola ya kufumbira ku masannyalaze oba gaasi, basobola okusigala nga bakyakozesa amanda kyokka nga tebatemye miti wabula nga bagaggye mu kasasiro ava mu birime.

Kino kitegeeza nti, osobola okulima kasooli wo oba ebijanjaalo, bw'omala okukungula, ate n'oddira kasasiro oyo abalimi abamu gwe bakyayokera ne mu nnimiro, n'omukolamu amanda ate g'osobola okweyambisa okufumba awaka, oba okugaguza abantu abakuliraanye nabo ne bakoma okufumbisa agava mu miti agalabise nti, gatadde ebyobulimi by'eggwanga mu matigga.

Okusobobola okumalawo ekizibu kino, waliwo abalimi abaatandika edda okukola amanda agava mu kasasiro ate nga bagataddemu obuyiiya obw'enjawulo okusobola okulaba ng'oyo agafumbisizza afuna ekyo kyennyini ky'agasuubiramu.

Omu ku balimi bano ye Paul Kalungi, omutuuze ku kyalo Kyabbogo ekisangibwa mu muluka gw'e Nkoni, mu ggombolola y'e Kingo mu disitulikti y'e Lwengo.



Paul Kalungi (wakati) ng'ali wamu ne baakola nabo amanda okuva mu kasasiro. Asooka ku kkono ye, Prisca Kakinda.

Kalungi ali mu kibiina kya Action for Climatic Change and Environment Conservation ekisangibwa mu kibuga Masaka.

Ono omulimu guno tagukola yekka, wabula akolagana n'abavubuka wamu n'abalimi ab'enjawulo nga bafuukidde ddala basaale mu kulima, okukola amanda ate nga bwe bakuuma obutonde bw'ensi.

Bano bakolagana n'ekitongole kya Advocacy Coalition for Sustainable Agriculture (ACSA) okulaba nga batumbula ennima y'obutonde mu bitundu by'eggwanga eby'enjawulo.

### EMITENDERA GY'OYITAMU OKUFUULA KASASIRO AMANDA

Kalungi agamba nti :

- Buli mulimi asobola okwekolera amanda gano ng'agaggya mw'ebyo ebirabika nga kasasiro. Ekimu ku byetaagisa kwekuba ne kasasiro ate ng'ono tasobola kubula mu kyalo wadde mu kibuga.

Buli kasasiro ava mu birime era ng'asobola okukala, avaamu amanda gano, okugeza ng'oggyeeko ebisoolisooli, ebikongoliro, ebikuta by'ebijanjaalo n'ebirala ebigwa mu kkowe eryo, n'ebikuta by'amatooke, ebya lumonde oba muwogo nabyo bisobola okukazibwa ne bivaamu amanda gano.



Paul Kalungi ng'alaga amanda mu bika eby'enjawulo ge bakola okuva mu kasasiro ava mu birime.

Abantu naddala ab'omu bibuga bawaata emmere ate ne basasulira ebikuta okubibatwalako nga balaba nga kasasiro, so nga basobola okwekolamu omulimu ne batandika okumukolamu amanda.

Kino kisobola okukolebwa gamba ng'ekibiina ky'abakyala oba abavubuka nga beegasse, ne bafuna obukugu era ne batandika okukung'aanya kasasiro okumuggya mu bantu nga bamukolamu amanda ate bwe bamaliriza ne bagabaguza.

Enkola eno esobola n'okukolebwa ku kyalo, omuntu ssekinnoomu oba ekibiina ne mutandika okukolera awamu ne mukung'aanya kasasiro wammwe ne mutandika okukola amanda ne mubeera nga mutaasiza obutonde bw'ensi.

- Ng'omaze okufuna kasasiro, oba osigazza okufuna ekyuma ekimwokya n'ofunamu ensaano gy'okanda nga weeyambisa ebintu eby'enjawulo ebimuyambako okukwata awamu n'osobola okumukolamu amanda.
- Mu bimu ku by'osobola okukozesa kuliko ebbumba, akawunga ka muwogo, amalagala oba ettaka ly'ekiswa. Bino bye weetaaga okukola amanda okuli amanene ng'otuuza limu ku sigiri n'ofumba ebinjanjaalo n'emmere ne biggya, oba amatonotono g'omenyamenya n'ogateeka mu sigiri. Eryanda eddene lya 2,000/- ate amatonotono kkiro ya 1,000/- zokka.

Bw'oba ofumba ebinjanjaalo wamu n'emmere aga 2,000/- gakumala ate n'okufikka ne gafikka. Amanda amanene era gakola bulungi n'eri abantu abaaluza obukoko okusobola okufuna ebbugumu.